# Kkooti eragidde bbanka ya dfcu okusumulula ssente za kasitoma waayo

KKOOTI eragidde bbanka ya dfcu okusumulula ssente za kasitoma z'emaze emyaka esatu nga tebamukkiriza kuzikozesa.

Bob Ainebyona yaggulawo akawunti nnamba 01071157642434 mu bbanka ya DFCU eya Dembe era ng'enkolagana ye ne bbanka teyalina buzibu okutuusa lwe yagenda ku ttabi lya bbanka eno e Naalya okuggyayo ssente olwo ne bamusindika mu Ndeeba nayo ne bamusindika ku ttabi ekkulu erya bbanka eno.

Ng'atuuseeyo poliisi yamukwata n'aggalirwa ku misango gy'okubba ssente obukadde 13 n'emitwalo 10 ng'ayita mu nkola ya MKASH kyokka yasaba bbanka esumulule akawunti ye ne beerema awatali kumuwa nsonga yonna.

Nga December 5, 2023 kkooti ya Buganda Road yejjereeza Ainebyona bwe yazuula nti talina musango kyokka bbanka yasigala esibye akawunti ye nga mu kiseera ekyo kwaliko ssente 80,430,748/- n'agenda e Bulaaya okusoma n'akomawo mu Uganda era bbanka n'egaana okumuwa ssente ze.

Ainebyona yategeezezza kkooti y'omulamuzi Joyce Kavuma nti bbanka okusiba ssente ze kyamukosa nnyo mu byenfuna n'abonaaboona n'okutaataaganyizibwa mu mirimu gye bwatyo n'asaba kkooti aliyirirwe olw'ebyo byonna by'ayiseemu olwa bbanka okulemera ssente ze.

Aba bbanka nga bayita mu Christopher Ahimbisibwe, akulira okulwanyisa obuzzi bw'emisango mu bbanka eyo yategeeza nti Ainebyona ssente yazifuna mu bumenyi bw'amateeka kyokka teyalambika atya, nti wabula nga bbanka baali baagala annyonnyole era alaga ssente gye zaali ziva era baazisiba nga bwe bakola okunoonyereza ku nsibuko yaazo.

Okusinziira ku bbanka, kkooti okwejjeereza Ainebyona tebibabwatwako kubanga balina bye bagoberera mu mbeera nga zino kye bagamba nti ssente ziyinza okuba zaafunibwa mu buzzi bwa misango era nga bbanka kibakakatako okulwanyisa obubbi obwengeri eyo.

Bbanka yasaba kkooti nti ssinga ekkiriza ssente okuziddiza Ainebyona kkooti erina kusooka kukakasa nsibuko ya ssente zino nga zaafunibwa mu mateeka kyokka nga ne kkooti eyamwejjeereza teyalaga muwendo gwa ssente zisibiddwa bbanka wadde okukakasa ani nnannyini zo kyokka byonna barinamateea ba Ainebyona baabiwakanya nga bagamba terina nsonga ya ssimba lwaki balemera ssente za kasitoma waabwe.

Omulamuzi Kavuma yagambye nti enkola ya bbanka okusiba akawunti za bakasitoma awatali nsonga ya ssimba tekkirizika era kubanga kulinnyira ddembe lya bwebange eritasaanye kwesigamizibwa ku kuteebereza nga bano bwe baakola ng'ate baali bakimanyi bulungi kkooti ya Buganda Road yamwejjeereza kyokka nga balaga ebya kkooti tebibakwatako.

Kkooti era yazudde nti bbanka teyawa nsonga ya ssimba na bujulizi kwebasinziira okusiba ssente za Ainebyona ng'ate okuva 2023 lwe yejjerezebwa, bbanka teyagenda mu maaso kuggulawo musango gw'okubulankanya oba okufuna ssente mu ngeri y'obuzzi bw'emisango ku Ainebyona.

Omulamuzi yagambye nti bbanka okusiba akawunti ya kasitoma waayo okuva 2023 kyali kimenya mateeka era yalagidde bbanka okusumulula akawunti okuli ssente za Ainebyona mu nnaku musanvu okuva ku nsala ya kkooti eno ssaako okumuliyirira ssente z'asaasaanyizza mu musango guno.